# Museveni asonze ku bikyalemesezza amawanga ga Africa

Bya KIZITO MUSOKE


PULEZIDENTI Museveni asabye amawanga agakyakula okufaayo ku bungi bw'ebintu bye bafulumya ne bye bakozesa, lwe bajja okusobola okwebbulula okuva mu bwavu.

Yabyogeredde mu lukiiko lwa baminisita b'ensonga z'ebweru okuva mu mawanga ga nampawengwa aga Non-Aligned Movement (NAM) ku Speke Resort Munyonyo.

Pulezidenti yagambye nti, ekimu ku kizibu kya Africa kwe kubeera nga ebintu bye bakola bakyalemeddwa okubyongerako omutindo n'okuzimba amakolero basobole okubifunamu.

Olukiiko olwatandise eggulo lwavumiridde obulumbaganyi obuzze bukolebwa Israel mu luwannanda lw'e Gaza, Iran, Syria ne Lebanon. Abakiise baasabye Palestine etongozebwe ng'eggwanga.

Olukiiko luno lwagendereddwamu okulondoola ebyasalibwawo mu lukiiko lwa NAM olwatuula mu Kampala mu January wa 2024 we bituuse awamu n'okusalira amagezi obutabanguko obuli mu kitundu kya Middle East.



Pulezidenti Yoweri Museveni (ku ddyo) ng'ayogerako n'abakungu abeetabye mu lukuηηaana lwa NAM ku Speke Resort Munyonyo mu kuluggulawo eggulo. Kozesa App ya Vision Digital Experience olabe vidiyo.

Olukiiko lwasabye akakiiko k'ekibiina ky'Amawanga Amagatte aka United Nations Security Council okwanguyiriza okukola ku kusaba lwa Palestine etongozebwe ng'eggwanga awatali kulindiriza kwonna.

Ekiwandiiko ekitongole ekyafulumiziddwa kyavumiridde ebikolwa bya Israel ebyokutirimbula abantu ba bulijjo nga kwe batadde n'okusaanyawo amasomero n'amalwaliro, amasinzizo n'okusengula abantu ku kifuba okuva ku ttaka lyabwe.

Baasabye eggwanga lya Palestine libeerewo ng'ekibuga kyabwe ekikulu kya East Jerusalem nga bwe kyali ku nsalo ezaaliwo nga 1967 tegunnatuuka.

Olukiiko era lwavumiridde ekyakolebwa Israel okulumba Iran ekyavaako abantu okufa n'okulumya abawera. Olukiiko lwasembye okussa mu nkola ekyasalibwawo olukiiko lw'Amawanga Amagatte nga June 12, 2025 olwalagira Israel okuggula ensalo zonna ezituuka e Gaza.

Beebazizza kaweefube akoleddwa eggwanga lya America nga bali wamu ne Egypt, Qatar ne Turkey agendereddwaamu okukomya olutalo lwa Israel ne Palestine.

Okumanya abakiise baabadde bakaawu nnyo ku Israel era baagivumiridde olw'obulumbaganyi bwe yakola ku kitundu kya Golan Heights ekitwalibwa Syria n'ekitundu kya Lebanon.

# Kayima asuddewo obwami bw'Essaza n'afuuka RDC wa Mpigi




Kayima Sarah Nannono bwe yabadde mu ofiisi ya RDC e Mpigi ne Assistant RDC Saadi Mwanje ne GISO Ssentongo.

Bya MUSASI WA BUKEDDE

OMWAMI wa Kabaka ow'Essaza lya Mawokota, Kayima Sarah Nannono Kaweesi asudde obuvunaanyizibwa obwamukwasibwa Ssaabasajja n'akkiriza ekifo ky'obwa RDC ekyamuweereddwa Gavumenti eya wakati.

Kayima Nannono kati ye RDC wa Mpigi alindiridde okukwasibwa ofiisi ng'adda mu bigere bya Hajji Moses Ddumba eyakyusiddwa gye buvuddeko n'atwalibwa e Butambala awaabadde Hajji Ahmed Kateregga Musaazi eyatwaliddwa e Jinja.

Eggulo Nannono yeeyanjudde ku kitebe kya disitulikiti e Mpigi mu ofiisi ya RDC n'ategeeza be yasanzeewo nti, asuubira okutandika emirimu mu butongole wiiki ejja ng'amalirizza n'okutegeeza ababadde bakama be e Mmengo ku by'omulimu gwe omupya.

Ensonda e Mmengo zaategeezezza nti, okulondebwa kwa Kayima baabadde tebannakubamanyisa mu butongole era ne Nannono tannababuulira mu butongole era bo bakyamulaba ng'omwami wa Kabaka.

Nannono yaweebwa obwa Kayima mu April wa 2024 n'atuuzibwa mu November w'omwaka oguwedde ku Ssaza e Butoolo.

MURBS SECURING YOUR RETIREMENT
Makerere University Retirement Benefits Scheme

## MAKERERE UNIVERSITY RETIREMENT BENEFITS SCHEME (MURBS)

## EKIRANGO KY'OLUKIIKO TTABAMIRUKA NE AGENDA

**Olukiiko Ttabamiruka (AGM) olwa buli mwaka olw'omulundi ogw'e 15** olwa bammemba ba Makerere University Retirement Benefits Scheme mu mwaka gw'ebyensimbi ogwakomekkerezebwa nga 30 June 2025 lujja kutuula ku Lwokuna nga **23 October 2025 ku ssaawa 8 ez'emisana. Lujja kwetabwamu abo abanajja n'abanaabeera ku mutimbagano**. Lujja kutuula ku **Main Hall, Makerere University Main Building (Ivory Tower).** Eri abo abanaabeera ku mutimbagano nga muyita ku mukutu gwa Zoom Webinar **mwewandiise okuba mu lukiiko nga oyitira ku link: https://bit.ly/MURBSAGM2025.**

**Agenda yebiteesebwako esaasaanyiziddwa nga bwerabika wammanga: -**

**1.0 Essaala eggulawo**
Okusaba Katonda okutulung'amya mu binateesebwa mu Lukiiko.

**2.0 Okwaniriza wamu n'okweyanjula**
Okwaniriza bammemba bonna abanaabaawo mu lukiiko wamu n'okwanjula Abayima, abakozi ku ggwandiisizo, abakulu abatutuusaako empeereza, abagenyi n'abalala bonna abakwatibwako.

**3.0 Okubeerawo mu lukiiko**
Okuwandiika bammemba bonna ababaddewo wamu n'abantu abalala bonna ababaddewo

**4.0 Ebiteeso ebyayita eby'olukiiko lwa ttabamiruka ow'omulundi ogwa 14 (IRO: omwaka gw'ebyensimbi ogwakomekkerezebwa nga 30 June 2024) olwatuula nga 24 October 2024**

a) **Okukakasa ebiteeso**
Bammemba okufuna n'okukakasa ebiteeso ebyateesebwa mu lukiiko olw'omulundi ogwa 14 mu mwaka gw'ebyensimbi ogwakomekkerezebwa nga 30 June 2024, olwatuula nga 24 October 2024.

b) **Ebiva mu biteeso ebyayita**
Bammemba okukubaganya ebirowoozo ku byava mu biteeso by'olukiiko lwa ttabamiruka olw'omulundi ogwa 14 mu mwaka gw'ebyensimbi ogwakomekkerezebwa nga 30 June 2024, olwatuula nga 24 October 2024.

**5.0 Alipoota eya buli mwaka wamu ne Sitatimenti y'ebyensimbi ey'omwaka gw'ebyensimbi ogwakomekkerezebwa nga 30 June 2025**
Olukiiko lw'abayima okusoma Alipoota y'Omwaka wamu ne Sitatimenti y'ebyensimbi ey'omwaka gw'ebyensimbi ogwakomekkerezebwa nga 30 June 2025, wamu ne bammemba okubaako byebagiteesaako.

**6.0 Ensonga endala yonna (AOB)**
Okuteesa ku nsonga endala yonna eneeba ebaweereddwa mu budde. Mmemba yenna ayagala okuteeka ensonga ey'okuteesaako ku namba 6 (AOB) ateekeddwa okuwandiisa ensonga eyo ne Board Secretary mu bbanga lya ssaawa 48 ng'olukiiko terunatandika.

**7.0 Okuggalawo**
Okuggalawo olukiiko obutasukka ssaawa 11 ez'olweggulo.

Secretary, Board of Trustees
**CPA Francesca Angida Mugyema**
Date: 16 October 2025

**GYETUSANGIBWA N'ENDAGIRIRO YAFFE**
**Makerere University - Lincoln Flats B4, P. O. Box 7827, Kampala - Uganda, Tel: 0414 531 472/ 0788 788 441**
**Email: info@murbs.mak.ac.ug, Website: www.murbs.mak.ac.ug**